**26th August 2018.**

# OKUKKIRIZA.

**Abaebbulaniya 11:1-19.**

**Vs 1**. Okukkiriza kwe kunyweza/ okukakasa ebintu bye tusuubira ne bwe biba nga tebirabika.
Ebintu bingi ebiriwo naye nga tebirabika era nga okubitambuliramu oba okubiraba twetaaga okutwala eddaala erisukkulumye ku ly'okulaba.
**Vs 2.** Era tulina eby'okulabirako okuva mu byawandiikibwa ku bantu ab'edda. Bano baasiimibwa Katonda lwa kukkiriza.
Waliwo abaasiimibwa Katonda nga tebakutte mateeka kubanga baaliwo nga amateeka ga Musa tegannamuweebwa.
**Vs 3**. Okukkiriza kukakasa okutondebwa kw'ensi n'ekigambo kya Katonda.
Okukkiriza si kwa leero, oba nkya kwokka, wabula kuddako emabega ne kukakasa eby'akolebwa n'ekigambo.
Okukkiriza eby'emabega kituwa obukakafu by'eby'omumaaso.
Abedda abali mu kitundu kino;

**i) vs 4. Aberi (Olubereberye 4:4)**

Ono yawaayo ssaddaka olw'okukkiriza n'esinga eya mugandawe Kayini era nga newaakubadde yattibwa naye ssaddaaka ye yasigala ng'eyogera mu maaso ga mukama.

**ii) vs 5-6. Enoka (Olubereberye 5:22-24)**

Nga Katonda bw'atalabika na maaso ga mubiri n'enkolagana yaffe naye eyimirirawo lwa kukkiriza.

**iii) vs 7. Nuuwa (Olubereberye 6)**

Ebyagambibwa Nuuwa byamuleetera okutya era n'afuna okukkiriza mu ye okukola ebyamulagirwa.
**Isaaya 66:1-2**

- **Okukkiriza kuzaala okutya mu ffe okwekuuma ebyo ebyogeddwa mu Kigambo kya Katonda.**

iv) **vs 8-10, 17-19) Ibulayimu (Olubereberye 12:1-4)**

Okukkiriza kwaleetera Ibulayimu okugonda**. (Olubereberye 22)**

- Okukkiriza kuzaala okugonda mu ffe. Bwetuwulira ekigambo okuva eri Katonda okukkiriza ekyo kyetuwulidde kuleeta okugonda ne tukola ekyo kyekigamba.

Ibulayimu yagondera Katonda bwe yava mu nsi mweyazaalibwa era oluvannyuma okukkiriza kwamuleetera okuwaayo omwanawe eri Katonda.
Okukkiriza kwa Ibulayimu kwagezesebwa.

- **Buli omu kuffe alina entambula oy'okkuiriza ne Katonda alina ekiseera okukkiriza kwe lwekugezesebwa.**
- **Era olw'okukkiriza tusuubira obulamu obutaggwaawo.**

v) **vs 11-12 Saala (Olubereberye 21)**

Saala yaweebwa amaanyi okuba olubuto newaakubadde ng'emyaka gy'okuzaala gyali giyiseeko.
Okukkiriza kujjukira obw'esigwa bwa Mukama era mu bw'esigwa bwa Mukama mwetujja amaanyi agasukkuluma agaffe okukola ebintu ku lulwe.
**Vs 13**. Ebisuubizo ebimu tebyalabwa naye abaabisuubizibwa baalaba Mukama nga mwesigwa ne bakkiriza nti biribaawo.
**Vs 14-15** Bano bajja amaaso gaabwe ku bintu ebirungi eby'ensi eno ne batunuulirira ebyo eby'omunsi y'omuggulu.
Kituufu ensi eno erimu ebirungi naye bireme kusiikiriza eby'omuggulu ebisinga obulungi.

- Okuweereza Mukama kitwala ku kkiriza.
- obulamu obuteggwaawo tubulina lwa kukkiriza.

<u>**Obukulu bw'okukkiriza**</u>

a) Okukkiriza ku tuleetera obutuukirivu. **Abaruumi 5:1**
b) Okukkiriza ku tuleetera obulamu. **"Laba oyo ow'emmeeme eteri nnongoofu wa kugwa, naye omutuukirivu aliba mulamu olw'okukkiriza kwe." (Kaabakuuku 2:4)**

c) Okukkiriza mulimo gwa kkatala eri buli mukkiriza era kusinga obuweereza bwonna.
   **Yokaana 6:28-29**
d) Okukkiriza kyakulwanyisa **(Abaefeeso 6:16)**

**Tufuna tutya Okukkiriza?**
**Lukka 17:5-6**

- Tusoma ekigambo kya Katonda ne tumusaba atuwe amaanyi okukola ebyo byekigamba.

Mu kigambo kya Katonda mwe tulabira obw'esigwa bwe era ne tukkiriza nti ne mu bulamu bwaffe asobola okukola.
Okukkiriza si kutonda byaffe ne tusaba Katonda abituukirize wabula kuba kwekwata ku byeyayogera ne tumwesiga okubituukiriza.